

P360/2

LUGANDA

Paper 2

Jul / Aug 2019

3 Hours



MUKONO EXAMINATION COUNCIL

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

(Okukyusa, Okuwandiika emboozi, Okusoma Bwino, N'okufunza)

Paper 2

3 Hours

EBIGOBERERWA

- *Olupapula luno lulimu ebitundu bina A, B, C, ne D*
- *Ebitundu A, C ne D bya buwaze.*
- *Mu kitundu B oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.*
- *Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.*

EKITUNDU A

Ddamu 1(a) ne 1(b)

1. a) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luzungu.

(Obubonero 15)

KABAKA AKUBIRIZZA ABAKYALA OBUTASIRIKA NGA BANNAABWE BATULUGUNYIZIBWA

Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II akubiriza abakyala obutasirika nga bakyala bannaabwe balimu buzibu n'okutulugunyibwa okw'engeri wz'enjawulo. Bino yabyogeredde ku Hotel Africana ku Lwokusatu bwe yabadde aggalawo Ttabamiruka w'abakyalaba Buganda ow'omulundi ogw'omukaaga.Yagambye nti amanyi bulungi engeri abaana abawala gye bayisibwamu nga banoonya emirimu n'engeri abakulembeze gye beesuulirayo ogwa Naggamba ne watabeerawo kikolebwa kubayamba.

"Kinakuwaza kuwulira nti abakyala bongedde okuttibwa. Wano we twebuuliza nti abantu baffe banaddukkira wa okwetangira embeera ng'eno. Twogera okwewuunya, Polisi bw'egenda mu maaso n'okunoonyereza naye ng'okunoonyereza okwo tekukoma ate ebizuuse mu kunoonyereza ne bikuumibwa nga byakyama. Teri amanya bivuddemu."Kabaka era yagambye nti ettemu n'okutyoboola eddembe okw'engeri endala biziyiza enkulaakulana era biteekwa okukwatibwako mu ngeri ya bwerufu eggwanga lireme kuggyga bwesige mu bitongole ekikuuma ddembe.

Yayongeddeko n'agamba nti obulamu obulungi nsonga nkulu nnyo mu nkulaakulana y'abakyala.Omuntu omulamu obulungi y'asobola okwenyigira mu nkulaakulana y'eggwanga n'okulabirira abaana."

(Kisimbiddwa mu Bukedde, Lwakutaano, 10/5/2019 nga kikyusiddwamu)

Ne

b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

(Obubonero 15)

GOVERNMENT SHOULD TAKE OVER SCHOOL FEES COLLECTION

I have been disturbed over the years about the way school fees we pay are utilized. Parents pay for everything that keeps children in school. They are requested to bring reams of papers, toilet paper, rugs for mopping, textbooks, brooms, pens, computers for secondary school children, powdered soap, etc. Parents even pay for construction and all developments. In religious schools we pay for priests and sheikhs independently. Where there are swimming sessions parents have to pay for them.

The government pays all teachers and some support staff in government- aided schools. By the way these support staff are getting miserable salaries on average less than shs 400,000. Some few schools top-up teachers' salaries to about shs 200,000 up to shs 500,000 for the good ones. When you dig further you realize that most of the money collected as fees is shared between parent Teachers Association (PTA) executive and the head teacher.

Now, if the government pays the teachers, why can't they centralize the school fees collection and put a limit on it like it was in the seventies. So with all these collections you can plan for this sector very well. You can pay primary teachers over shs 2M per month and secondary teachers shs 5M per month.

(Extracted from New Vision, Tuesday, May 28, 2019; Letter of the day).

EKITUNDU B

Kola 2(a) oba 2(b)

2. a) Ku mitwe egikuwereeddwa wammanga, londako gumu oguwandiikeko emboozzi ya bigambo 350 – 400. **(Buli mutwe gwa bubonero 30)**
- (i) Essanyu lyali lya nsusso!
 - (ii) Kyaterekera omulamu tekivunda
 - (iii) Ebizibu ebiri mu Yuganda ensangi zino nga bivudde ku kukozesa empuliziganya ey'omulembe.
 - (iv) Obuvunaanyizibwa bw'omusajja mu maka.

Oba

- b) Ku mitwe egikuweereddwa, londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozzi ya bigambo ebikulagiddwa mu bukomera. **(Buli mutwe gwa bubonero 15)**
- (i) Ggwe minisita w'ebi'engigiriza omuggya mu Yuganda. Sinziira mu lukiiko lw'abakulu b'amasonero olambulule enteekateeka z'olina ezinaakulaakulanya eby'engigiriza mu ggwanga lino. **(Kozesa ebigambo 200)**
 - (ii) Wandiika omuko mu mawulire ng'owa amagezi agayinza okukendeeza ku kutyoboola eddembe ly'abaana mu Yuganda. **(Kozesa ebigambo 200)**
 - (iii) Weefuule omukulu w'essomero owandiikire Minista w'ebi'engigiriza ebbaluwa ng'omutegeeza ebizibu abayizi abalina obulemu ku mibiri gyabwe nga basomesa mu ssomero lyo bye bayitamu era nga byetaaga kusalira magezi mu bwangu ddala. **(Kozesa ebigambo 150)**

(iv) Wandiika ng'onyumyamu ne mukwano gwo nga mwemulugunya era mwogera ku bizibu eby'ekuusa ku ndagamuntu mu Yuganda. ***(Ebigambo 150)***

EKITUNDU C

3. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuozo ku nkomerero yaakyoo.

(Obubonero 20)

Okuwaṇṇangusibwa kwa Ssekabaka Muteesa II n'okuggyawo Obwakabaka mu 1966, kyaleka Obuganda mu kiyongobero, okutuusa essuubi lwe lyakomawo nga 31 Kasambilira 1993, Ssaabasajja Ronald Muwenda Mutebi II bwe yatuuzibwa ku Nnamulondo ya bajajjaabe e Nnaggalabi Buddo. Obuganda bwali bwekutuddekutudde ng'ennono, empisa n'obuwangwa bingi bisasise.

Mu nnono ya Buganda Kabaka alina emirimu oba obuvunaanyizibwa obubwe nga Kabaka bw'alina okutuukiriza ate obwawukana n'obwa gavumenti ye. Okuva edda omulimu gwa Kabaka omukulu kwali kulabirira n'okukulembera obulungiabantu be. Ye Nnamunswa era nga Nnamunswa mu kiswa y'akulira Obuganda era kye Kitikkiro kya Buganda. Ye yakulemberangamu amagye ge oba abatabaazi nga wabaddewo olutabaalo lwonna olwetaagisa okununulaabantu be. Bwe waabangawo olutabaalo nga Kibaale amutikkira obugabe ku wankaaki agende alwanirireabantu be.

Kabaka y'alabirira abambeija, abalingira, Bannaalinnya, Bannamasole, abambeija n'abalingira ba Mujaguzo n'aba Kanabba n'abenkuluze n'embiri za Bassekabaka zonna n'abakozi baamu boona.

Wabula kino tekikyaliwo kuba Kabaka takyalina makubo matuufu mw'aggya ssente butereevu nga bwe kyalanga edda.

Edda buli Kabaka yakubanga olubiri olulwe kuba kiri mu buwangwa buli Kabaka okukuba olubiri lwe, bwe yakisanga omukono ng'omwo mwe batereka oluwanga lwe. Abazungu abaleeta eddiini bwe bajja ne bakyusa ebintu ebimu, ne baddira Amasiro ga Ssekabaka Muteesa I e Kasubi ne batandika okuterekanga omwo enjole za Bassekabaka ne baleeta n'enkola y'okuziika Bassekabaka nga balamba, so nga luli baabaggyangako obuba nga bwe batereka mu masiro emibiri gyabwe ne bagiziika mu bifo ebirala. Ssaabasajja Ronald Muwenda Mutebi II alina embiri bbiri ezaazimbibwa bajajjaabe ab'ebukojja nga be Bakisosonkole. Olubiri olw'e Kireka n'olw'e Banda zombie ziri mu Kyaddondo.

Kabaka eraasuubirwa okukulaakulanya abantu be ng'atema empenda mwe banaayita okwekulaakulanya. Kabaka Ronald Mutebi akituukirizza bulungi kuba aweeredde abaana, aijjanjabye abantu be, abateereddewo engeri z'okwekulaakulanyaamu n'ebirala ntoko. Kabaka era alina okulambula abantu be mu masaza ga Buganda gonna ne beeyongera okumutegeera era n'abagabula ne ku kijjulo.

Nga wabaddewo ebimusobyeko ne Kabaka asobola okugambibwako abantu ab'enjawulo wabula ate waliwo ebyomunda ng'ebyo bimugambibwako abantu ab'enkizo omuli Namasole, Katikkiro n'omutaka Kibaale. Omutaka Kibaale mukulu nnyo mu Buganda kuba amala bingi.Kibaale yakeeranga mu Lubiri okulaba Kabaka bwe yasuze n'okumubuulira ebigenda mu maaso mu Buganda.Ono y'agamba ku Kabaka. Bannaalinnya, Abalangira, abambejja, Bannamasole, abataka, abakyala ba Kabaka n'Abaganda bwe baabangako ensonga ezibaluma ze baagala okugamba Kabaka nga bazibuulira Kibaale n'azimutuusaako. Singa waabangawo enkaayana wakati w'abakungu ba Kabaka, bakyala be, ensonga ezo nga Kibaale yazitawulula.

Abataka b'ekika, abadingidi n'abagoma mu mbiri nabo baayinzanga okugamba ku Kabaka.Wabula abagoma n'abadingidi, obubaka bwabwe baabuyisanga mu bivuga n'ennyimba ze baayimbanga ku mikolo oba obubaga Kabaka bwe yategekanga mu Lubiri.Nga bwe webaawo ensonga eruma abantu bagiyisa mu nnyimba.

Kisimbuddwa mu Bukedde Lwamukaaga Kasambula 21, 2018 nga kikyusiddwamu katono)

Ebibuuzo

- a) Laga obuvunaanyizibwa bwa mirundi ebiri Kabaka bw'alina okutuukiriza kyokka nga mu kiseera kino takyayinza kubutuukiriza. **(Obubonero 2)**
- b) Leeta ensonga nnya (4) eziraga obukulu bwa Kibaale obwogeddwako mu kitundu kino. **(Obubonero 4)**
- c) Menya ebyobuwangwa bibiri (2) ebyogeddwako mu kitundu kino nga ne gye buli eno tebikyagobererwa. **(Obubonero 2)**
- d) Nnyonnyola ensonga emu eraga nti Kabaka aba muntumulamu. **(Obubonero 3)**
- e) Menya obuvunaanyizibwa bwa Kabaka buna (4) obwogeddwako mu kitundu kino nga bukyasoboka okutuukirizibwa ne ku mulembe guno. **(Obubonero 4)**
- f) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino bwe byeyambisibwa mu kitundu kino. **(Obubonero 5)**
 - kiyongobero

- bisasise
- batereka
- okugambibwako
- kasambula

EKITUNDU D

4. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100.

(Obubonero 20)

Nnaazaalibwa era ne nkulira ku kyalo Bukalasi ekisangibwa mu disitulikiti y'e Bududa okumpi n'olusozi Elgon.Ekyalo kyaffe ekayo kyatweyagazanga eranga tetwegomba kubeera mu bitundu birala.Twalinnyanga obusozi ne tutuula eyo waggulu ne tuwulira akawewo akalungi. Ng'abato twazannyanga ggogolo n'okukuba akawuna nga tetutya na kugwa mu biwonvu ebyo ebiwanvu. Emyaka bwegyagenda giyita ettaka lyatandika okuwumbulukukanga buli luvanyuma lwa nnamuttikwa w'enkuba.Olumu lyaziika ezimu ku nnimiro z'abantu naye ekayo tekyatutiisa era tekyatuyigula ttama kuba tetwalowooza nti kiwinza okutuviiramu akabi eyo mu dda.

Lumu twakyaza abakugu okuva mu gavumenti ne batutegeeza nti ettaka mu kitundu kyaffe lyali liija kuwumbulukuka eyo gye bujja era nga baali baagala batusengule batusse e kiriyandongo.Twakomba ku erima ne tugaana nga tulowooza nti gavumenti yali etusalira lukwesikwesi ebbe ettaka eryeddize.Abantu baata Akaka era ne balagira okufa n'omuntu eyali ayagala okubasengula abaggye okwabwe abatwale ewalala, nnyini bafuuke emmomboze mu nsi etali yaabwe.Gavumenti yagezaako okutukkirizisa tusenguke, tusenguke, twetegule ekibabu ng'ekiwundu tekinnasamba ddagala wabula twaguguba.

Mu 2010 enkuba yatonnya ettaka ne libumbulukuka abantu abasoba mu bikumi 200 ne libaziika era ne bafa naye era twagaana okutusengula.Twalowooza nti ffe gye twali waali wagumu nnyo nga tetulaba ttaka bwe liyinza kubumbulukuka era ne tugaana okutusengula kumbe twerimba. Nga 11 og'ekkumi 2018, nnalaba gye nnasimattukamu okufa nayo yali ya kyewuunyo era Mukama wa buyinza.

Ku makya g'olunaku olwo, olukuba lwatandiikiriza mpolampola nga lufuuyirira wabula ng'obunnyogovu bungi olw'empewo eyali empitirivu. Awo nga mu ttuntu enkuba yanyikira era waayita akaseera katono n'etandika okutonnyera ddala nga nnyingi nnyo! Mukoka yatandika okuwuuma nga bwakkirira obusozi bw'e Bukalasi obuli ku lusozi Elgon.Enkuba bwe yasammukamu ne nfuluma ebweru ndabe ogubadde.Nnafuna olulagala olulamu ne ndwebikkirira

nga manvuuli ne ηηenda okumpi n'omugga Ssuumme ndabe ekiriyo. Nnyabo! Kye nnalaba kyalikyewuunyisa ate nga kikanga!

Omugga gwali gwesooza nga gulinga omunyiivu, ng'amazzi gaddukira ku misinde gya yiriyiri.Nnalaba emitি emiramba nga giriko n'emiranda gyagyo nga gitwalibwa amazzi.Amabaati, emmeeza, ebitanda, emifaliso n'engatto nga biddukira ku mazzi. Nnalaba n'ebintu ebyalinga amagulu n'emikono gy'abantu. Enkuba bwe yakya ne bantegeeza nti mikwano gyange bangi baali bafiiridde mu nkuba eno.

Engeri enju yange yasimattukamu enjega eno ya kyewuunyo. Abantu bangi baafa, ebintu ebibalirirwamu obukadde n'obukadde bwa siringi byayonoonebwa ate bakaawonawo baasigala tebalina we beegeka luba era nga tebalina wakusula. Bangi badduka ne beewogomako mu masomero, amasinizio, amalwaliro ne mu bizimbe ebirala ebyali bikyaliwo nga tebigudde kuttaka.

Enkeera, abaali basimattuse ekibambulira, twabukeereza nkokola ne twekubira omulanga mu gavumenti nga tusaba batusengule tudde gye baali baatusuubiza si kulwa nga naffe tulemba olw'e Kaganga nga bannaffe.

Gavumenti nayo yasitukiramu ng'eyataga ogw'ekyayi anti kye yayagaliza embazzi kibuyaga yali asudde.Yatutwala e Bulambuli n'etuwa enju empya era eyo gye tuli kati.

**(Kyesigamiziddwa ku mboozi eyali mu new Vision, Lwakubiri, Muzigo 28, 2019,
olupapula 12)**

End -